WOFIISI YA
KABAKA WA BUGANDA
(Office of the King of Buganda)
P.O. Box 58,
KAMPALA - UGANDA

**OBUBAKA BWA SSAABASAJJA KABAKA KU MUKOLO GW'OKUSIMBA EJJINJA KU KIZIMBE "EDDWALIRO MUTEESA II" E BUSIMBI-SSINGO NGA 08 APRIL, 2025 KU MUKOLO OGW'OKUKUZA AMAZAALIBWA GA KABAKA AG'EMYAKA 70**

Mbalamusizzaako mwenna era mbeebaza emirimu gye mukolera Obuganda. Twebaza Katonda olw'emyaka 70 gy'atutuusizzaako.

Bannassingo tubeebaza olw'okuwagira n'okujjumbira enteekateeka z'Obwakabaka zonna. Mwebale okutambulira ku nnambika ezibaweebwa, era n'obutagendera ku bya bannakigwanyizi.

Obulamu bwammwe kikulu nnyo eri mmwe, n'eri Obwakabaka. Kyetwava tusalawo okubasembereza ebyobulamu wano e Busimbi. Tubakubiriza okwettanira ennyo enteekateeka z'ebyobulamu. Mwegemese, mwekebeze era mwejjanjabisenga bulijjo endwadde ez'enjawulo mu ngeri esaanidde, nga mweyambisa abasawo abatendeke.

Tujja kufuba okulaba ng'obuweereza mu by'obujjanjabi bwe munaafunira mu kizimbe ky'Eddwaliro Muteesa II, ddala buba bwa mutindo.

Twebaza nnyo abatambuzza omulimu guno, abateeseteese omukolo n'abatusanyusizza mwenna.

Katonda Abakuume!

**Ronald Muwenda Mutebi II**
**KABAKA**